a *Grace Notes* course

# Ebbaluwa ya Pawulo eri Tito

by Warren Doud

**Essomo 101**

**Tito 1:1-7**


Email: **wdoud@gracenotes.info** Web: **http://www.gracenotes.info**

# Tito
# Essomo 1: Tito 1:1-7

**Ennyanjula ........................................................................3**

**TITO, Essuula 1 ..................................................................6**

TITO 1:1 ........................................................................6
TITO 1:2 ........................................................................8
TITO 1:3 ........................................................................10
TITO 1:4 ........................................................................10
TITO 1:5 ........................................................................12
TITO 1:6 ........................................................................14
TITO 1:7 ........................................................................15

**Emitwe egy’okuyiga ..........................................................17**

Okutya Katonda ................................................................17
Essuubi ........................................................................19
Okubuulira ....................................................................20
Pawulo Omutume ..............................................................22

## Ennyanjula

Si sobola ku kola bulungi singa mba sitandise na nnyanjula ntonotono eya Conybeare ne Howson ku bbaluwa ya Tito.

“Obulamu n’ebbaluwa z’Omutukuvu Paul” nga byongerwa W.J. Conybeare ne J.S. Howson.

“Okuva mu Efeso Paul nasitula okugenda e Kuleete. Kirowoozeeka okuba nga ekanisa z’abakristaayo mu Kuleete zatandikibwa Omut. Pawulo mu kukyala kwe kuno; kyokka ate bingi mu bbaluwa ya Tito ebiraga nga ekanisa zino zaali zimaze ekiseera nga zitandikiddwa.

“Naye ekkanisa zino zatawanyizibwa nnyo abayigiriza abobulimba, era nga oba olyaawo zaali tezinategekebwa bulungi, olw’okuba zaali zitandikiddwa n’okufuba kw’abakristaayo basekinoomu, abaali bawereddwa obuweebwa ekifo obufo era nga ye yali entabiro y’amakanisa olw’Abayudaaya abangi abaali befunzizza ekiziinga nga basimbye n’amakanda.

“Pawulo Omutukuvu kati abakyalira nga awelekeddwako Tito, oluvannyuma gweyaleka mu Kuleete ng’amukikiridde mu kuvaayo kwe. Ye mwene teyalina kiseera kimala okusigala okukola ekyali kyetagisa, gamba mu kugolola ensobi, oba okulonda abantu abatuufu okuba abakadde b’amakanisa agaali gasasanye, ekyali kirabika okuba omulimu ogw’ekiseera ekinene.

“Y’ensonga, lwaki Tito yalekebwa e Kuleete mu kifo kye kimu Timoseewo kyeyalimu mu Efeeso mu kiseera Omut. Pawulo we yali aludde nga talabika ekyaali ekyo mugaso gw’egumu okufuna okulungamizibwa mu bbaluwa okuva eri Omut. Pawulo ekwaata ku bufuzi n’enteekateeka ye Kanisa--- mu kaseera katono nga yakava ekuleete,Omut. Pawulo nasindikira Tito ebbaluwa, nga erimu ensonga enkulu ezaakola mu bbaluwa eyasooka (1Timoseewo).

“Naye ebbaluwa Omut. Pawulo gyeyawandiikira Tito erabika nga gwali mulanga, ogwakubwa oluvannyuma lw’okusisinkana okuziyizibwa okumu omuyigirizwa oyo kwe yali asanze bweyali agezaako okukola ebiragiro bya Mukama we.

Kino okirabira ku alipoota embi ku Bakuleete mu bbaluwa, ne mu bigambo, ku ntandikwa yaayo, nga ekigendererwa kyennyini omuwandiisi kyeyalina, mu kuleka Tito mu Kuleete, kwaali nti alonde abakadde (abakulembeze) mu makanisa g’e Kuleete, ekiraga nga obuyinza bwe bwawakanyizibwa.

“Ebbaluwa eno erabika okuwandiikibwa mu bwangu okuva mu Efeso mu kiseera Omut. Pawulo nga anatera okusitula okugenda ebugwanjuba, nga yali wakutukira ddala mu Nikopoli ekiseera eky’obutiti nga tekinatuuka ebigambo bye njulirizza Conybeare ne Howson bikomye wano.

Ekimu ku bintu ebirungi era eby’omugaso mu bbaluwa ya Tito kyekyo kyeyigiriza ku bulamu bw’omukristaayo bwe bw’alina okufaananamu. Ebbaluwa eyogera ku kwewaayo eri Katonda, okwagala, n’okubeera ow’ekisa eri abantu abalala. Eby’okulabirako ebyembala ey’omwoyo ey’abakristaayo abakulu abatuuze abarungi, abavubuka abamalirirvu era abanyikivu, mwebali mu bbaluwa eno nga bwe balimu awalala wonna mu Baibuli.

Ebbaluwa eno kifo kirungi okuyiga ku nteekateeka eya Katonda eri obulamu bwo, era na lwaki Katonda asaba abakkiriza babeera n’engeri gyebalowoozaamu n’okweyisaamu.

Eky'okulabirako, Omukazi Omuto Ow'omu Ssuula 2 gyalina okugunjulwaamu mu bintu ebimu (abakazi abakulu). Ebintu byayiga bya kumuyamba mu bulamu obwabulijjo ng'ali n'omwami we n'abaana be. Naye okusinga obulamu bwe okuba obujulizi, ekigambo kya Katonda kireme okuvumibwanga.

Tito yennyini agambibwa okuba ekyo kulabirako, "oyo awakanya alyoke abulwe ekigambo ekibi ky'okwogerako. Si  kuziyiza bantu kwogera, naye ensonga yabutabawa byakulwanyisa.

Omuddu alagirwa okukolera Mukama we, okuba omuwulize, atawakanya, tabba lwaki? Si kuba Omujulizi omulungi kyokka owa Mukama we, naye "alyoke ayonjenga enjiri" ya Mukama waffe!

Kati "Ngeri ki gyennina okutamubalamu, Mukama?" Singa ngoberera ennono zino esatu, obulamu bwange obutaleeta kivume ku Mukama, obutawa mulabe wange ekibi-okunjogerako, era okuyonjanga enjiri – wewaawo, ekyo nga kizibu nnyo.

Era nsuubira olina okusalawo kw'olina okukola ku bintu by'oteekateeka okukola, ne bwebiba Mu kwagala Katonda. Teeka buteesi mu nkola ennono za Tito mu ssuula 2 zikuyambe mu kukola okusalawo. Ekintu kyokola kireeta Katonda okuvumibwa, kiwa omulabe w'enjiri okukolokota, oba kiyonja enjiri? Engeri eno ekifuula kyangu okukola okusalawo.

Mu ssomo lino tugenda kwetegereza buli kigambo n'olunyiriri. Bwe tuba tusoma ekigambo kya Katonda. Olina okusoma ebyewandiikibwa mu nkola ya kutangaaza; tunula mu kitangaaza olabire ddala obugazi bw'ebyawandiikibwa byonna. Era omulimu ogw'okujjukira gwenateesa gwalubirirwa kutuyamba ku kuuma birowoozo byaffe ku nnyiriri n'essuula ebyetoloredde ekitundu mu byawandiikibwa (overall context)

Bino bye bimu ku biruubirirwa mu kusomesa ekitabo kya Tito:

- Okuyiga engeri abakirstaayo gyebalina okutambuzamu obulamu bw'ekikristaayo obulungi.
- Okulaba ebimu ku bintu ebikwaata kun kola ey'ekanisa ey'omukitundu, gamba abakulembeze b'ekanisa bafunibwa batya era ne bisanyizo.
- Okulaba engeri ebizibu by'ekanisa gye bikwatibwamu, naddala ebyo ebikwata ku njigiriza enkyaamu n'ekibi ky'olulimi.
- Okufuna ekifanaanyi mu mpisa, byafaayo (background), n'ebigendererwa by'abayudaaya abakristaayo abo mu kyaasa ekyasooka, abafuba ennyo okukwanaganga obulombolombo bwe kiyudaaya n'enjigiriza empya ez'obukristaayo zebaali basabiddwa okukwaata.
- Okwekebejja enkolagana wakati w'omuyudaaya n'emunnamawanga omukristaayo mu mbeera ey'eby'obuwangwa nga tebukwatarirako ddala. Omusomo guno guggya kutuyamba okutegeere ebitabo bye ndagaano empya ebirala (nga Abaruumi n'abagalatiya) omuli obuwangwa bw'abayudaaya n'ebannamawanga ngabukonagana.

#### Emyaka gy'ebbaluwa z'ekisumba

Okuva mu kitabo "Obulamu n'ebbaluwa z'omut. Pawulo" kyawandiikibwa W.J. Conybeare ne J.S. Howson. Nga tetunateeka biseera ebbaluwa zino (1 Timoseewo, 2 Timoseewo, Tito) lw'ezawandiikibwa, tulina okutwaala embalirira zino wammanga.

1. Ebbaluwa zino essatu kumpi zakolebwa wamu, kino kirabikira mu ngeri gyezifanaaganamu mu lulimii, ebintu ebikola ekitabo (content), empandiika,  n'engeri gye byawukanamu mu nsonga zonna essatu okuva ku bbaluwa endala eza Omut. Pawulo. Ensonga eno sikyangu

okugikkiriza mu naddala bwoba tewetegerezza bbaluwa zino; naye nga ate kikkirizibwa kumpi wonna eri abatutte omutawaana ogw'okwetegereza, eri abaawagira nabo ababuusabusa omuwandiisi w'ebbaluwa z'ekisumba. Olw'ensonga eno, bw'oteeka omwaka kw'emu ku ssatu, osobola okutebereza n'endala zonna.

2. Ebbaluwa zino zawandiikibwa Omut. Pawulo nga yakamala okukwatagana ne Apollo era nga Omut. Pawulo yakamala olukyaala olwasooka mu Efeso (Bik. 28:24 ne Tito 3:3).
3. Ku nsonga eyo, ebbaluwa zino tezandiwandiikibwa okutuusa, ku nkomerero y'e kitundu ky'obulamu bwe ekirabikira mu kitabo ky'ebikolwa by'abatume; kubanga tewali byafaayo bye, wakati w'olugendo lwe olw'asooka mu Efeso n'okusibwa kwe mu Ruumi, ekyo nekiba nti kimatiza obukwakkulizo bw'ebyafaayo obulabikira mu bbaluwa zino. Wabaddewo okugezaako okuteeka ebbaluwa ya Timoseewo ne Tito mu biseera ebyenjawulo; naye abagezezaako kino bonna balemeddwa okumatiza obukwakulizo obwetaagisa okuteeka yadde ebbaluwa emu awatuufu. Era tewali n'omu eyali agezezaako okuteeka z'onsatule "awamu" mu kiseera ky'obulamu bw'Omut. Pawulo nga ekiseera ky'okusibwa kwe okwasooka e Ruumi tekinaggwaako; nga ate ebbaluwa zino zonsatule okuba awamu kakwakulizo aketaagisa eri ekizibu kino.
4. Ebbaluwa ez'ekisumba tezawandiikibwa buwandiikibwa nga Omut. Pawulo amaze okusibibwa omulundi ogwasooka mu Ruumi, naye oyinza okujjukira nga lwaali luvannyuma lwakwo. Kino kirabikirawo okuva ku njawulo ezirambikiddwa mu mpandiika yaazo okuva ku bbaluwa eri Abafiripi, eno nga gyeyasembayo okuwandiika mu kiseera eky'obusibe obwo. Kale empandiika ekyuukira ddala kinene (si mu nkozesa ya bigambo byokka, naye era ne mu nsengeka yabyo, endowooza ye, n'engeri gy'ezawandiikibwamu) ekyetaagisa ebbanga eritakka wansi we emyaka ena oba etaano ekinyonnyolekeka. Era nalyo lirabika nga ettono ennyo, okugyako nga owerekerezza embeera ezisobola okunnyonyola enkyukakyuka. Nga ate emyaka etaano egy'okukola obutaweera, nokubonanabona ennyo n'ebizibu byeyayitamu eby'obulamu bimala bumazi ebintu okukyuuka.
5. Enkulakulana y'ekkanisa erambikiddwa mu bbaluwa z'ekisumba etutwaala ku nkomekkerezza y'emu ng'emyaka gy'azo bwegiri. Obulambulukufu bw'amateeka mukulonda abakadde, n'abawereza, kiraga nga ab'alondebwa mu bifo bino baali bangi; obutanlonda abakakyuka mu buweereza bw'abakadde; olukalala lwa banamwandu b'ekanisa (1Tim 5:9; ebyo byonna byakulabirako bya kino.
6. Enjigiriza ez'obulimba ezisangibwa mu bbaluwa z'onsatule ziri mu kikula ekiwakanya okutebereza nti zawandikiibwa mu myaka egyasooka egy'obutume bwe. Zifanaganira ddala, ezo ezalwanyisibwa mu bbaluwa y'abakolosaayi, naye nga zirabikira ddala nga zaali zeyongedde okukula. Tewali kuwannaanya zino z'enjigiriza z'ezimu zetusanga nga zivumirirwa mu bitundu by'ebyawandiikibwa ebirala oluvannyumako mu mulembe gw'abatume, ng'ekyokulabirako ebbaluwa ya Petero ne Yuda. Wano wetuloondorera entandikwa y'enjigiriza ey'obulimba (eya Gnostic heresy mulungereza) eyasitukira mu maanyi amangi mu kyaasa eky'okubiri, era eyo yennyini gyetwalabye mu bbaluwa y'abakolosaayi.
7. Obukwakulizo, bwetwakajje tulabe buyinza okututeekesa ebbaluwa z'obusumba wonna wonna oluvannyuma lw'omwaka AD 66, mu myaka egyo asatu– mu esatu egikkomekereza ekyasa ekisooka. Naye wano tulina ekkomo mu ku lungamya kuno, olwamazima ageyolekera mu bbaluwa ya Timoseewo agalaga nti Timoseewo yali akyaali muvubuka (1Tim 1:2, 2Tim 2:22) we zawandiikirwa. Wewaawo, tulina okutegeera ebigambo bino embeera mwebyakozesebwa. Timoseewo yali muto ku buyinza obwali bumuwereddwa; yali muto okubeera n'obuyinza obw'enkomeredde ku bakadde bonna (bangi ku bo baali basajja bakulu ku ye) abo mu makanisa ga Asiya okusinziira ku kutegeera kw'omulembe ogwo (mu

naddala n'okusinziira ku ngeri ezebiseera ebyedda ku kigambo ekyo) yandibadde asigala nga muto nnyo ku kifo nga ekyo ku myaka asatu mu etaano (35).
Kati Timoseewo yali (nga bwetulabye, ku lupapula 156 ne 203 mu kitabo ky'obulamu n'ebbaluwa z'omut. Pawulo). Omuvubuka eyali akyabeera mu bakadde be Omut. Pawulo we yasookera okumutwala mu mwaka gwa AD 51 nga mukozi munne mu njiri (Bik 16:1-3). Okuva mu ngeri gyayogerwako (nga ogerageranyizza ne 2Tim 1:4), tetuyinza butamulowooleza kuba waggulu w'emyaka kumi na musanvu oba kumi na munaana ekigenze ewala. Neera oyinza okuba nga yali muto okusingawo, bw'oba otunuulidde ekitundu kyeyayogereramu e Makedoni (2Kol 1:19). Olwensonga eyo tumulowooza okuba nga yalina emyaka kumi na munaana egy'obukulu mu AD 51. Mu kulaba, mu mwaka Ad 68 (omwaka ogwasembayo ogw'okufuga kwa Nero), yandibadde n'emyaka asatu mu etaano egy'obukulu.

8. Bwe tuba ab'okukkiriza obuwangwa bwonna obw'ekanisa eyasooka, okuttibwa kwa Omut. Pawulo kwaliwo mu kufuga kwa Nero. Nensonga eyo, tulina era ekkomo ku mwaka ebbaluwa zino wezawandiikibwa, gamba nti oluusi kwandibadde tekussuka mwaka AD 68, era kino kikkiriziganya n'embalirira evuddeko.

Oyinza okwetegereza nti obukwakkulizo bwonna waggulu bumatizibwa n'okutebereza okwatwalibwa mu ssuula XXVII, nti ebbaluwa z'ekisumba ezasooka ebbiri zawandiikibwa nga okusibwa kwa Omut. Pawulo okwasembayo tekunabaawo, ate eyasembayo mu kiseera ekyo kyennyini.

## TITO, Essuula 1

### TITO 1:1

Pawulo, omuddu wa Katonda, era omutume wa Yesu Kristo, ng'okukkiriza kw'abalonde ba Katonda bwe kuli n'okutegeera amazima agali mu kutya Katonda.

"Pawulo": Omutume, omuwandiisi w'ebbaluwa eno. Eno y'emu ku bbaluwa z'ekisumba eyawandiikibwa oluvannyuma mu buweereza bwa Pawulo. Yali abaddeko ku kizinga Kuleete ne Tito era nga avuddeyo, nalekayo Tito mu bizibu naye nga obuweereza bwetaagisa nnyo okutandika okunyweeza n'okuzimba amakanisa ag'omukitundu ku kizinga Kuleete.

#### Omutume Pawulo

"Omuweereza wa Katonda": (Doulostheou) "Omuddu nnyini ye nga ye Katonda". Pawulo ya yesigamye ku buyinza bwa Katonda, era nga asanyukira mu bufuzi bwe, nga bwe kiragibwa mu nyanjula z'ebbaluwa ezisinga.

"era Omutume wa Yesu Kristo": (apostolos)

[Mubukomera olwo Luyonaani, obukozeseddwa mu lunyiriri]

Ekigambo "Omutume" (apostolos), kitegeeza "Omukiise; oyo atumiddwa; awereeddwa obuyinza". Ekigambo kyakozesebwanga ku offisa mumaje ag'empingu (amajje g'oku mazzi mu biseera aby'abayonaani abedda.

Omutume wa Yesu Kristo kyaali nga kifo ekyenkomeredde mu makanisa mu kyaasa ekyasooka, 1Kol 12:28 Abatume ba Yesu Kristo balondebwanga Katonda Kitaffe olw'ekigendererwa eky'okusumba amakanisa n'okusasaanya amazima amapya, Bef 3:1-10.

Waaliwo ekirabo ky'Omwoyo ne offisi y'ekitume. Ekirabo kino bwaali busobozi bwa Katonda okukola nga Omutume, Bef 4:11, 1Kol 28,29. Office y'ekitume bw'alinga buyinza okukola ng'omutume, Bar 1:5, Bik 1:25, Bag 2:8.

**Ebisanyizo by'omutume:**

Omutume yalina okuba n'ekirabo eky'Omwoyo eky'ekitume. Ekirabo kino kyaweebwa Yesu yakigaba nga amaze okulinnya mu ggulu, Bef 4:8-11. Ekirabo yakiteekamu lwa mwoyo mutukuvu ku lunaku lwa Pentekoote, 1Kol 12:11, Bik 2.

Omuutume afuna ekirabo kye n'ofiisi lwa kusalawo kwa Katonda Omuyinza wa byonna, 1Kol 1:1;12:18, Bef 1:1, Kol 1:1.

Omutume yalina okuba omujulirwa eyalaba Mukama eyazuukira, Bik 1:22, 1Kol 9:1.

**Ebyakakasanga omuntu Omutume**

Omutume yaweebwa amaanyi okukola ebyamagero Beb 2:4, 2Kol 12:12.

Omutume yalina obuwanguzi mu kubuulira enjiri 1Kol 9:2, 2Kol 3:1-3, Gal 2:7-9.

Omutume yalina obusobozi okugumiikiriza okubonabona olw'enjiri 2Kol 12:12.

**Emirimu gy'Omtume**

Abatume bafuuna era nebabuulira okwolesebwa okupya Bef 3:2-6.

Abatume b'abuulira enjiri mu maanyi era abantu nebasembeza Kristo nga banukula okubuulira kwabwe 1Kol 9:1, Bag 2:7-9.

Abatume bayamba mu kuteleeza ekkanisa z'omubitundu n'ebalonderamu n'abaweereza Bik 14:23, Tit 1:5. Abatume batendeka abakalokoka mu njigiriza z'ekkanisa 1Bass. 1:5-2:12.

Abatume balina obuyinza okubonereza abakkiriza Bik 5:1-10, 1Tim 1:20, 1Kol 4:21, 2Kol 13:2.

"Okusinziira ku kukkiriza" (Kata) kigobererwa ekigambo (Pistis), era ekitegeeza "okukkiriza" "Okukkiriza bwe bukakafu bwebyo ebisuubirwa okubaawo, ekitegereza ddala ebintu ebitalabika".

[Okukkiriza n'essuubi kumpi bikwatagana. Wetegereza ekigambo essuubi].

"kw'abalonde ba Katonda" "Abalonde beebo abasuumusiddwa okuba ab'omukisa ogw'enjawulo" [okuva mu kigambo ky'oluyonaani (eklektos)].

Wetegereza bulungi Bef 1:3-11. Twalondebwa mu ye era netugattibwa awamu mu ye. Ennyiriri zino mu Befeeso ziraga omukisa n'obuvunanyizibwa obw'okutattibwa kwaffe awamu ne Kristo. Yesu Mukama waffe.

"N'okutegeera". (epignosis), si kutegeera butegeezi kyokka, naye okunnyikirira ddala mu mmeeme y'omukkiriza.

Ng'abakristaayo, tetwategeera butegeezi njiri n'amagezi gano, wabula yafuuka kitundu ku bulamu bwaffe bwe twasembeza Kristo nga tukkiriza. Era Omwoyo Omutukuvu atuwadde okumanyisibwa kw'Omwoyo ebikwaata ku mazima g'enjiri.

(epignosis) kiva mu mitendera omukristaayo watandikira okuyiga mu magezi amasome (gnosis) ennono z'ebyawandiikibwa. Kale, omuntu bwakkiriza amazima g'ebyo byoyize nabiteeka nemunkola, okukula mu mwoyo oba okuzimbiwa kutandika mu ye.

Okuteeka mu nkola kwe kukkiriza ebyawandiikibwa, okugondera kye biragira, n'okutwaala ebisuubizo Katonda byatadde mu kigambo kye, mu ngeri eno , mu bulamu obw'okuyiga amazima ga Baibuli, omukkiriza azimbibwa, "lunyiriri ku lunyiriri", Kiragiro ku kiragiro, katono wano nawali".

Ku luuyi olulala, laba Baruum 1:28 ku biva mu kugaana okumanya (epignosis).

"amazima": (aleitheia), gulaama w'oluyonaani alaga okumanya okutereddwa mu nkola kuva kusibuko y'amazima. Amagezi gasibuka mu kigambo kya Katonda. Kino kyogera ku kusomesa Baibuli ng'eyigiriziddwa mu butuufu bwaayo, wansi w'obuweereza bw'okuyigiriza kw'Omwoyo Omutukuvu okutaziyiziddwa, ekireeta okwawula kw'emyoyo.

Ekigambo kya Katonda mazima! Mukama Yesu yagamba, "nze kkubo, n'amazima, n'obulamu, tewali muntu ajja eri Kitange okujjako nga ayise mu nze" (Yok 14:6) okuyayana kwonna okujjuzibwa Yesu, n'okumuweereza, kiwerekebwa okuyayanira ennyo amazima, kye kigambo kya Katonda. Okufuna amazima kitekeddwa okuweebwa enkizo.

Waliwo ennyiriri za Baibuli nnyingi ezikwata ku mazima, zino zezimu kuzzo:

> Zabbuli 86:11, "Onjigirizenga ekkubo lyo, ai Mukama, naatambuliranga mu mazima go".
>
> Zabbuli 119: 72, "Amateeka g'akamwa ko gampoomera nze okusinga ebitundu eby'ezaabu n'effeeza enkumi n'enkumi ne Zab 119:127,162.
>
> Engero. 23:23, "Gulanga amazima, so togatundanga; wewaawo amagezi n'okuyigirizibwa n'okutegeera".

Eby'okulabirako by'abantu abayayanira amazima:

Abantu abajja okusinza mu Yekaalu:

> Luka 21:37, 38 "Awo buli lunaku yayigirizanga mu yeekaalu; bwe bwazibanga nafuluma n'asula ku lusozi oluyitibwa zeyituuni. Abantu bonna ne bakeeranga enkya okugenda gy'ali mu yeekaalu okumuwulira.

**Abasamaliya**: Yok 4:39-42

**Koluneeriyo**: Bik 10:30-33.

**Abantu be Beroya**: Bik 17:10-13.

**Enyiriri endala ez'okusoma**

Kol 1:9-23; 2:1-3; Bef: 1:17-23; 3:14-19, 4:11-16.

"agali mu kutya Katonda" oba "okusinziira ku mutindo ogw'okutya Katonda". (ensebeia), okuba ow'Omwoyo".

**Essomo: Okutya Katonda**

Mu bufunze:

Pawulo yakola omulimu gwe nga Omutume okusinziira ku mutindo gw'okukkiriza kw'abakkiriza, okusinziira ku kumanya kweyalina mu kigambo kya Katonda. Era okuva ku mutindo ogwo okumanya amazima yaweereza okusinziira ku mbala ey'okutya Katonda.

**TITO 1:2**

Mu kusuubira obulamu obutaggawaawo, Katonda tayinza kulimba bwe yasuubiza ebiro eby'emirembe n'emirembe nga tebinnabaawo;

“mu kusuubira”: (elpis) – “Obugumu obusukiridde” ebigambo bino biyunga n’olunnyiriri olusoose. Waliwo Omwoyo omwesigwa mu bulamu obutaggaawo.

---waliwo Omwoyo omwesigwa (obugumu) buva mu bulamu bw’omukukkiriza alina okumanya okuyidde mu kigambo kya Katonda, ge mazima.

“okukkiriza kuva mu kuwulira, n’okuwulira ekigambo kya Katonda”

Soma Bar: 5:1-5 (okukula mu bugumu).

Soma Tito 2:11-15 (obugumu buwanirira obuyinza)

**ESSOMO: Okusuubira**

“Obulamu obutaggwaawo”: Obulamu obw’olubeerera.

“Katonda tayinza kulimba” (hoapeudeis theos),

“Katonda atalimba”.

Ebigambo bino bikwata ku mazima ga Katonda.

Katonda talimba. Katonda bulijjo akolagana n’abantu mu bwesimubu, ayogera busimbalaara.

Tuyinza obutanyumirwa bigambo biva ewa Katonda, naye tusobola okuba n’obugumu mw’ekyo kyayogera.

Amazima g’obwa Katonda (God head)

Amazima ga Katonda kitaffe.

Lub 31:5, Is 65:16 Yer 10:10, Yok 3:33; 17:3, Bar 3:4.

Amazima ga Katonda Omwana

Yok 1:14; 8:32; 14:6, 1Yok 5:20, Kub 16:7; 19:11.

Amazima ga Katonda Omwana

Yok. 1:14; 8:32; 14:6 Yok 5:20. Kub 16:7;19:11.

Amazima ga Katonda Omwoyo Omutukuvu

Yok 14:17, 15:26; 16:3, 1Yok 5:6.

Okuteeseza mu nkola abakristaayo nti Katonda wa mazima.

Engero 6:16,17, Mat 5:37, 2Tim. 2:15, 1Yok 4:6.

Lwaki Pawulo agamba Tito nti Katonda talimba?

Ekisooka ddala, ono ye musajja Pawulo gwe yalonda okumalawo ebizibu mu Kuleete, n’olwekyo yali atendekeddwa bulungi era enjigiriza z’ebyawandiikibwa nga azimanyi bulungi engeri nti yali munywaanyi wa Pawulo. Eky’okuddamu: “Abakuleeta balimba ennaku zonna, ensolo embi, embuto engayaavu…”

Okulimba bwe bwaali obulamu bw’abakuleete. Be baali basing munsi okufuna engero okulimba nga mpisa yaabwe… abalimba kuungwa nti ekigambo mu Luyonaani (kreitimadzo), kyaali kitegeeza “olimba nga mu kuleete”, obulimba obunene.

Sooka olowooze ku kugezaako okuyigiriza Baibuli Omukuleete. Abalimba balina ekintu kimu kye bafaanaganamu; tebakkiriza muntu kuba nti ayogera mazima. Wabula balowooza oba oli awo omusomesa yabadde abalimba. Era ddala baali balimbiddwako abasomesa ab’obulimba abaali benonyeza sente (somako mu ssuula 1).

Kale kyalai kyetaagisa okusimba essira kwekyo nti Katonda wa mazima agatukiridde.

“Bwe yasuubiza” (epaggellio), mu luyonaani kikolwa kya kusuubiza kwa ndagaano, kwe gamba, “okusuubiza nga weyama, ndagaano ya buwandiike” soma Bar 4:20-25

“ebiro eby’emirembe n’emirembe nga tebunnabaawo”. Kino kikwata ku buli ekikola obulamu, Katonda yabiteekateeka dda mu butaggwaawo obwayita.

Bef 1:4--- yatulondera mu ye ng’esi tennaba kutondebwa.

Kale, Pawulo agamba nti obuweereza bwe businziira ku kukkiriza, nebunnyonnyolebwa mu kikula eky’okutya Katonda, n’okuba n’omwoyo ogw’obwesigwa mu bulamu obutaggwaawo, eky’amazima Katonda kye yasuubiza nga omuntu tannaba na kutondebwa.

**TITO 1:3**

Naye mu ntuuko ze yalabisa ekigambo kye mukubuulir akwe nnateresebwa nze ng’ekiragio kya Katonda omulokozi waffe bwe kiri;

“naye yalabisa”: (Phaneroo)” okubikkula; okumanyisa; okulaga, okusomesa; okwogera”

Mu Luyonaan mu myaka 100AD ekigambo kino kyakozesebwa mu buwandiike ne mukwogera.

“mu ntuuko:: “mu kiseera ke”, ayogera ku kiseera kya Katonda ekigambo ekikozesebwa okulamba enjawulo mu nkola y’obwa Katonda.

“ekigambo kye”: (logos), ekigambokya Katonda, amazima, Baibuli, amagezi ga Kristo.

“mu kubuulira”: (keirugma), “okuyita mu kulangirira; okusomesa mulujjudde; okwegayirira”.

**Essomo: Okubuulira**

“kwe nnateresebwa nze” : (pisteuo), ekigambo kino mu (luyonaani) kwa mu lubu lwerumu n’ekigambo “okukkiriza” wano kiba kitegeeza “okukwasibwa”.

Ekigambo eky’amazima, obuweereza obw’okubuulira, Katonda bweyakwasa Pawulo.

Gerageranya: Bag 2:7!!; 1Bass 2:4; 1Tim 1:11.

“Ngekiragiro”. Omusomesa avunanyizibwa ewa Katonda era akolera wansi wa mateeka mu kusomesa kwe.

“Kya Katonda omulokozi wafe: ekitujjukiza omusingi gw’okuyimirira kwaffe ye Yesu Kristo atudde ku mukono ogwaddyo ogwa Kitaffe. Yatukikirira mu ggulu; ekifo kyaffe kiri mu Kristo”.

Mukama abikkula ekigambokye era Pawulo mu biro ebituufu era namukwasa omulimu ogw’okubuulira amazima, ng’avunaanyizibwa gyaali nga Katonda era Omulokozi.

**TITO 1:4**

Eri Tito, Omwana wange ggeregere ng’okukkiriza kwaffe fenna bwe kuli: ekisa n’emirembe ebiva eri Katonda Kitaffe ne Kristo Yesu Omulokozi waffe bibeerenga gy’oli.

“Eri Tito” eyawandiikira ebbaluwa.

**Ensonga ezikwaata ku Tito**

- Yali mu nnaggwanga, Bag 2:3.

- Yali mwagalwa era omuyambi wa Paulo, 2Kol 2:!3, 7:6, 13.
- Yali Omutume w'ekanisa mu Kolinso, 2Kol 3:16-18.
- Yali munywaanyi wa Pawulo ne Barbas ku lugendo e Yerusaalemi, Bag 2:1.
- Yalondebwa Pawulo nga Omusumba Omuminsane e Kuleete, Tito 1:5.
- Yaliko ne Pawulo mu Ruumi mu kiseera ky'okusibwa kwa Pawulo okw'okubiri, 2Tim 4:10

Tito yali musajja wa mbavu, omukkiriza omukulu. Yali wamaanyi mundowooza ye kino kirabikira mu kika ky'omulimu kyeyaweebwa.

Mu Kuleete mulimu ebimu ku bijjukizo bya Tito. Ebimuku byafaayo by'abayonaani bigamba nti Tito yalina kitaawe omuto omukulu we kizinga kuleete, ebirala bigamba nti ava mu lulyo lwa Kabaka Minos. Luttiko ya Megalo – Castron mubukiika ddyo bw'ekizinga yaweebwayo eri Tito. Erinnya lya Tito lyakozesebwa Abakoleete bwe baali balwana n'abaveneteya mu biseera bya (Dark Ages).

Mu zimu ku ssaala mu Lulattini mu Kanisa ya basodokisi abayonaani kukizinga koleete mulimu olunyiriri olugamba "Sanete Tite, tunou adjuva", "Omutukuvu Tito Otusabire"

**"Omwana wange"**

Ebigambo bino bya koleeze empaka mu biseera ebiyise mu kulowooza oba Tito yali mutabani wa Pawulo mu mubiri Abamu bagamba Pawulo yali mufumbo ne Tito yali mwana we. Abalala bagamba mwana  mwebolereze owa Pawulo. Bag 2:3 lutukakakasiza ddala kino nti Tito yali muyonaani era nga bamusalira Omusango obutakomola mu bukulu obutessitaza Bayudaaya. Singa yalimutabani wa Pawulo, teyandibadde muyonaani; era yandibadde yakomolebwa dda ng'akyaali muwere.

Olunyiriri lulaga ekyo kya Tito nga mutabani wa Pawulo mu mwoyo.

"Ng'okukkiriza kwaffe fenna bwe kuli: (kata koinein Pistin), "okusinziira kukkiriza kwaffe fenna abakkiriza. Tito yali mutabani wa Paul mu mwoyo mungeri nti Pawulo yakulembera Tito eri Kristo (eba olwawo) era nga ye yamufuula okuba omuyigirizwa.

"Ekisa n'emirembe" kuno kwabanga kulamusa mu mabaluwa agabuli kika mu biseera by'abaruumi.

Naye ekisa n'emirembe…

"ebiva eri Katonda kitaffe ne Kristo Yesu Omulokozi waffe".

Ebyogeddwako mu bbaluwa eno, enkola Tito zalina okukozesa okutereeza emitawaana mu bakkiriza b'omumakanisa ku kizinga Kuleete, zezimu ku zisinga obukulu mu Ndagaano Empya mu nsonga y'okumalawo emitawaana mu bakkiriza.

Kuleete yalina emitawaana mingi nnyo, nga kye taagisawo obuyinza okukola ku bayigiriza b'obulimba, nenngambo, okulwanagana mu by'obuwangwa, eddiini y'ekiyudaaya n'ebilara. Essuula esooka ekozesa olulimi olukakali okunnyonnyola enfaanana y'abo abavaako emitawaana n'abo "emimwa eyaali girina okuyimirizibwa". Nga bwe tunalaba, okuyimiriza obumwa bw'abo abalwanyisanga enjigiriza entuufu kyaali nga okuteeka ekyuuma mu kamwa ke ndogoyi n'okutandika okusika!

Biki "ebyasigalira" mu kuleete? Byonna! Era Tito ensonga zino azikwaata atya? Nga ayigiriza Baibuli--- buli lunaku mu bibuga n'ebyaalo by'omu Kuleete. Era agenda kufuna abantu abalina embala y'okutya Katonda abasobola "okunyweeza ekigambo mu bwesigwa okusinziira nga bwe bayigirizibwa".

Abantu, babulwa okumanya n'okussa mu nkola ennono z'abaibuli. N'olwekyo, tewali kuwumulira mu kukkiriza (obwesige obutuusa mu mirembe), tewali kulungamizibwa ku kisa, tewali kumanya ngeri yakukozesaamu eby'okulwanyisa bya Katonda.

Kuno bwogatako ebuziba by'obuwangwa ebyaali eby'omuwendo eri abakoleete, n'ebizibu by'eddiini, ebyali bikwaata ku bayigiriza ab'obulimba, n'eddiini y'kuyudaay.

"Era okwawula" (Kathisteimi), "okuteeka, okuwa obuwananyizibwa, okukakasa"

"Abakadde": (Presbuteros), "abasajja abakadde wewaawo, wano kyogera ku bukulu okuwa ku bintu omuntu byayisemu era n'amagezi.

Ennyiriri mu Tito ezidako ziragira ddala ekika ky'omuntu kyeyali ategeeza.

(Presbuteros) kigambo kikozesebwa okutegeeza "Obukulu bwamirembe ebiri era kikozesebwa okutegeeza "bajajja ffe"

Abakungu mu kibuga or abaami be byaalo buyitibwanga (presbuteroi). Balina obuyinza okufuga n'okusala emisango. Ba memba tebaali bantu bakadde bakadde. Ebyawandiikibwa bingi bitegeeza (presbuteroi) abyemyaka 45, 35, era n'emyaka 30 egy'obukulu.

Abakulu bamakungaaniro ga bayudaaya emyaka gye 70 A.D teginatuuka bayitibwanga (Presbuteroi).

**TITO 1:5**

Kyennava nkuleka mu Kuleete, olyoke olongoosenga ebyasigalira era oteekenga abakadde mu buli kibuga, nga nze bwe nnakulagira (nnakulonda).

"Kyennava"; (toutou Carin), "Olw'ensonga y'ekisa kino," ekisa ekyogerwaako mu lunyiriri 4 Tito yali wa kukolera ku nnono z'ekisa nga akolagana n'ekibinja ky'abakristaayo abatalina kisa wadde mu nsi eyo yonna. (Abayonaani bakozesanga ekigambo "ekisa", ye enzivunula ya KJV kye yalekayo, oba olyaawo nga omuvunuzi yalowooza ku lunyiriri 4 nga tekyetaagisa kuddamu mu lunyiriri 5 ate nze kyendowooza nga kyetaagisa okulisimbako essira ne mu lungereza).

"nkulekayo": "nakuleka emabega"

Pawulo yali lutindo lwa Tito eri ekibiina ky'abakkiriza b'ekisa, era kati olutindo luno lwali lukutuddwa. Mubutuufu bw'ensonga ye yali mutume (muminsane).

"Mu Kuleete"

**Essomo: Kuleete**

"Olyoke olongoose" (epidiorthow) "Okutereeza; okulungamya; okulongoosa embeera"

Eno mbeera eyetaagisa okukozesa obuyinza. Pawulo yateeka Tito mu buyinza bwe kitume okukolagana n'abantu abatamanyi buyinza kyeki. Era nga Tito ye yali alina okutandika okulungamya ebintu mungeri entuufu.

"Ebyetaaga okuterezebwa": (leipw), "ebyaali tebitukiridde, ebyaali bibulawo, ebitaali ku mutindo".

Ebyayogerwako mu bbaluwa eno, nga enkola Tito z'alina okukozesa okutereeza ebizibu ebyaali mu bakkiriza mu makanisa g'ebitundu ku kizinga kuleete, z'ezimu ku zisinga obukulu mu ndagaano empya mu kumalawo emiteeru mu bakkiriza.

Waliwo emitawaana (ebizibu) mingi ku kizinga Kuleete egyali gyetaaga okukozesa obyinza. Abayigiriza b'obulimba, olugambo, obukuubagano obuwangwa, eddiini yekiyudaaya n'ebirala. Essuula esooka ekozesa kululimi olukakali okulaga abaleeta emitawana bwebafaanana n'abo "abagwanira okuzibibwanga emimwa". Nga bwe tunalaba, okusirisa abo abaali balwanyisa enjigiriza entuufu kyaali kyenkanankana nga okuteeka akuuma mu kamwa k'endogoyi n'otandiika okugisika:

Kiki "ekyetaaga okuterezebwa" ku kizinga Kuleete? Buli kimu! Era Tito agenda kukola atya okutereeza ebintu? Kusomesa Baibuli--- buli lunaku bibuga n'emu byaalo bya Kuleete. Era n'okufuna abantu abalina embala y'okutya Katonda asobola "okunyweza ekigambo ekyesigwa ekiri ng'okuyigirizibwa kwabwe bwe kuli".

Abantu balbulwa okumanya n'okussa munkola ennono zabaibuli. N'olwekyo, tewali kuwummulira mu kukkiriza (obwesige obuleeta emirembe), tewali kumanyisibwa ku kisa, tewali ngeri yakumanya ku kozesaamu ebyokulwanyisa bya Katonda, n'ebilala ebyeyongerayo.

Kuno nga ogasseeko emitawaana gy'obuwangwa obwaali obw'omuwendo eri Abakoleete, n'ebizibu by'eddiini nga erimu abayigiriza b'obulimba n'abayudaaya.

"era oteekanga". (Kathisteimi), "okulonda, okuwa obuyinza, okukakasa"

"Abakadde". (Presbuteros), "Omuntu Omukadde" n'olwekyo, wano kyoger aku bukulu obusinziira ku byoyiseemu era namagezi. Ennyiriri eziddako mu Tito kirabikirawo muntu ki ayogerwaako.

(Presbuteros) kikozesebwa okutegeeza "obukulu bwa mirundi ebiri, oba obukulu bwa mirembe ebiri".

(Presbuteros) kyogera ku "bajajja ffe". Wewaawo, ebigambo bino tebizingiramu bunafu bwa kikadde.

Abakungu bitundu by'ekibuga oba obukiiko bw'ebyaalo bayitibwanga (Presbuteroi). Balinanga obusobozi mu kufuga n'okulamula. Ba memba ku bukiiko buno tebalina kuba basajja bakulu. Ebyawandiikibwa bingi byogera ku (Presbiteroi) ey'emyaka 45, 35, n'owa 30 egy'obukulu.

Abakungu bamakungaaniro g'abayudaaya omwaka gwe 70AD nga tegutuuka bayitibwanga (Presbuteroi).

Abamu ku ba memba b'olukiiko olukulu olwa bayudaaya bayitibwanga (Presbuteroi).

Ebigambo by'olungereza "Presbyter", "Presbyterian", ne "Priest" (kabona) bwa mu kigambo kino (Presbuteroi).

(Bwenatusa mu myaka ana, nalina okufuna galubindi empya. Omusawo yagamba ekizibu kyange kyaali "presbyopia", amaaso ga kikadde!)

Okugeza: Obukulembeze mu bakristaayo bututumukira mu madaala. Ekkanisa ezisinga mu biseera by'endagaano empya abasumba baabwe babafuna nga mu maddaala gaabwe mu bo bennyini; era ekirabo kyazuulwanga bantu mu kanisa. Kino tusobola kukigerageranya n'engeri abadinkoni gy'ebalondebwaamu mu kusooka. Abantu (abasajja) musanvu balondebwa abo abaali bajjudde Omwoyo.

"Mu buli kibuga" (Kata Polis), "Okusinziira ku buli kibuga".

Omulimu gwa Tito gwaali gwakugenda okuva ku kibuga okutuuka ku kilala, nga alonda abasumba abanafaayo 'okuliisa' ekisibo mu buli kibuga. Yalina okunoonya abo abalina ekirabo mu kuwuliziganya n'abantu n'abo abaali bakulidde mu njigiriza ennungi batekebwetekebwe okutendekebwa. Oluvannyuma, yalina okubatendeka era na'bateeka mu bigo byaabwe. Wetegereze kino, Tito teyaragirwa kuleeta basumba kuva bweeru. Yalina okufuna omuntu omulungi okuva mu buli kitundu, mutendeke, era omuteeke mu kifo ky'obukulembeze.

"Nga nze bwe nnakulagira": (diatassw), okuteekateeka, okulagira; okulungamya. Pawulo yali awadde Tito ebiragiro ebikwaata kun kola n'enzirukanya y'ekanisa – Eteekateeka ennambike obulungi.

Tito yalagirwa okudukanya enteekateeka ez'okuteereza amakanisa ku kizinga Kuleete.

**TITO 1:6**

Omuntu gw'olonda, asaanye okuba nga taliik kya kunenyezebwa, ng'alina omukazi omu n'abaana be nga bakkiriza, abataloopebwa nga balalulalu, so si abatagonda.

Tito 1:6-16 mu nnyiriri zino zirimu ebiragiro bya Pawulo eri Tito ebikwaata ku butebenkevu bw'ekkanisa n'empisa y'ekanisa. Wetegereze obwetaavu bw'okulungamya ensonga z'ekanisa y'omu kuleete n'obuvumu wamu n'obuyinza.

1:6-9 embala n'ebisanyizo by'abakadde b'ekanisa na basumba.

1:10,11 Omulimu ogw'okusirisa abo abayigiriza olw'okwefunira sente.

1:12-14 embala embi eyabakoleete eyetaaga okubanenya n'amaanyi n'okunywezebwa ku mazima.

1:15,16 omusango ogw'obutaba balongoofu munda n'obunanfuusi.

"Omuntu bwatabaako": Mu Bayonaani kano kakwakulizo, Pawulo asuuira nti Tito ajja kusobola okufuna abasaanira okulondebwa nga abakadde. Pawulo oba olyawo yali amaze okwetegereza mu kiseera wegabeerera ku kuleete era ng'azuuddeyo abali balabise nga bakulembeze.

Ekkanisa z'omukuleete tezaali mpya. Abakristaayo baali ku kuleete okuviira ddala ku lunaku lwa Pentekoote, emyaka nga 35 oba okusingawo egiyise.

"abatabangako musango". (anegkleetos), "okusingisibwa; okulopebwa mu kooti" kale, kino kitegeeza, "tawawabirwangako – (tavunaanibwangako) oba "taliiko kivume.

Kol 1:21, 22, "Nammwe,… naye yabatabaganyisa mu mubiri ogw'ennyama ye olw'okufa, okubanjula abatukuvu, …*abatanyenyezebwa* mu maaso ge".

1Tim 3:10--- abadyankoni nabo baalina okuba nga tebanenyezebwa.

"Omusajja a mukazi omu": (mias gunaikos aneir), "Omukazi ow'omusajja omu.

Omusumba atekeeddwa kuba namukazi omu. Omusumba bwaba mufumbo, yetaaga omukazi atya Katonda kulusegere lwe.

"Ng'alina abaana abakkiriza": abaana b'okukkiriza kw'ekikristaayo, okusinga okubeera abegonjebwa oba abantu balamu.

Abaana abatakkiriza, mu bukulu bwabwe oba mu myaka gyabwe egy'ekitiini, basobola okuleeta obuzito n'okubonaabona okunene mu bulamu bw'omusumba. Basobola n'okumujisa mu buweereza: oba, nga kati, okumulemesa okubutandika.

Abaana ab'empisa, abatya Katonda kyakulabirako kinene mu maanyi ag'ekigambo kya Katonda. Kye kikakasa nga omusumba n'omukyala we basomesezza ekigambo mu maka n'ebatambulira mu Mukama mu maaso g'abaana baabwe.

"Abataloopebwa nga balalulalu": (Kateigoria), "okuloopebwa" "okuteberezebwa", gatako (aswteis), "obuluvu okweyayaggwa obulamu obukakanyavu" n'ekiba nti, "taloopebwa nga omukakanyavu; si wa mpisa mbi, mubambaavu, wabuvuyo".

Bef: 5:18, "so temutamiiranga mwenge, kubanga mu gwo mulimi "okwegayaggula*…"

Soma 1Pet. 4:3-5

"oba abatagonda": (anupotaktos), "bakyewaggula.

Waliwo okulabula kungi eri abaana "okussaamu ekitiibwa" abazadde baabwe, okuva ku mateeka ekkumi okutuuka ku Bef 6. Amateeka eri abaana galiko ebisuubizo "olyoke obeerenga bulungi, era owangaalenga ennaku nnyingi ku nsi".

Kino kiwulikika bulungi, naye kirina amakulu amalala mangi agetaaga okwetegereza, oyinza okujjukira nga mu biseera by'endagaano enkadde mu Bayudaaya, abaana abakulu "abakolimirwanga bakadde baabwe oba ab'ekyejo bakubibwanga amayinja nebafa.

Era wetegereze mu Baruumi 1, wakati mu lukalala lw'ebibi ebizibu eby'abo abagaana Katonda, kye "ky'obutawulira bazadde".

Mu Baibuli, okukakkana wansi w'obuyinza bw'abazadde kintu kikulu nnyo. Jjukira nti enjigiriza za Baibuli n'obulamu bw'ekikristaayo bitekebwa mu mulembe ogumu okutuuka mu mulala okuyita mu maka agateredde entende.

Ssinga abazadde bawaba, bajja kulemwa okuteeka ekigambo kya Katonda mu baana baabwe, era kino kyakweyolekera ne mu baana baabwe, ebibi bya bataata bilyoke bibbulukukire mu mulembe gw'oku bannakasatwe ne ku bannakana.

Bwkityo, singa abaana baba babi, abatawulira, abatasonyiwa bajja kulemwa okufuna okuyigirizibwa okulungi n'okulemesa amazima ga Katonda okutuuka ku mulembe gw'oluvannyuma.

Abazadde ababi n'abaana ababi bombi muziziko mubi nnyo. Era waliwo eby'okulabirako bingi nnyo mu byawandiikibwa Mukama wagolokokera kw'abo abaziyiza enjiri oba eri abassitaza abatakkiriza oba ab'oluganda abanafu mu kukkiriza.

Eby'okulabirako Ananiya ne Safira ne Kerode Era jjukira ekiragiro kya Kristo Obutaziyiza baana bato okujja gyaali, era nalabula nti "waakiri asibibwe mu bulago olubengeo olunene… okusinga okwestiazz ku abo abato".

Bino byonna bisimba essira nga bwebiri ekikulu amaka g'omusumba bombi taata (Omusumba) n'omwana okwewaayo eri obuyinza bwa Katonda.

**TITO 1:7**

Kubanga omulabirizi kimugwanira obutabangako musango, ng'omuwanika wa Katonda; si mukakanyavu, si wa busungu, nga tatamiira, si akuba, si eyeegomba amagoba mu bukuusa;

“Kubanga omulabirizi”: (episkopos), “omulabirizi” kino kigambo ekiraga obuyinza; obukozesebwa omuntu akola nga omukulembeze; obukozesebwa omuntu alina ekifo ekyobukulembeze mu kibinja. Ekigambo kino kyakozesebwa nnyo buyonaani eri abkaulu ba Yekaalu, eky’okulabirako:

Bik 20:28, “Mwekumenga mmwe mwekka n’ekisibo kyonna Omwoyo Omutukuvu mwe yabateeka mmwe okuba *abalabirizi*, okulundanga ekkanisa ya Katonda gye yeegulira n’Omusaayi gwe ye nnyini. Nze mmanyi nga bwe ndimala okuvaawo emisege emikambwe giriyingira mu mmwe, tegirisaasira kisibo; n’olwekyo mutunule…”

N’olwekyo, mu kanisa y’omukitundu, omulabirizi yali musajja akwasiddwa emirimu gamba nga okuyigiriza n’okulundanga; munjogera yaffe, Omusumba.

**Essomo: Abalunzi b’ekisibo kya Katonda**

Soma 1Tim. 3:1-7

“Kimugwanira”: “kyetaagisa”. N’olw’ekyo, “kyetaagisa omulabirizi okuba…” Embala zonna wammanga byebisaanyizo ebyetaagisa omulabirizi okuba nabyo.

“Obutabangako musango”: (anegkleitos), [laba olunyiriri 6]

“Ng’omuwanika”: (Oikonomos), “Omukulu alina obuyinza; omuwanika w’ennyumba”

“Wa Katonda”: nsonga y’obwanannyini, “omwanika wa Katonda”.

“Si mukakanyavu”: (auqadeis), “obukakanyavu, wa ssukuti laba 2Peet. 2:10.

Omusumba takkiriza okweekulumbaza, obukakanyavu, oba obulabe okumutwala mu kifo walabikira eri abantu nga atali mwenkanya. (unfair) alina okulaga ekisa, n’eri abo abagwaanira omusnago. Alina okwekakkanyiza mu kisa.

Omusumba alina okuba omukwata mpola. Omuntu omukakanyavu, atasonyiwa tasobola kubeera ekyo. Omusumba awakanyizibwa, oluusi mu mazima, oluusi nedda. Okuwakanyizibwa si musango oba okugirirwa ekyejo (okuvumibwa) naye talina kukkiriza okuwakanyizibwa okuzaala obulabe ku ludda lwe, kale alina okubeera omuyima w’ekisa. Omwoyo gw’obuntu oba obukyaayi buleme kwonoona bwesigwa bwo mu ku gonjoola embeera.

“Si wa busungu”: (origilos), “tabuubuka”. Obusungu obuva mu kubuubuka kibi kyandowooza yabwoongo. Omusumba alina okuba n’endowooza y’obwoongo ey’emirembe emuleetera okuva amangu mu busungu.

> Engero 14:17, “Ayanguwa okusunguwala alikola eby’obusirusiru…”
>
> Engero 15:18, “Omuntu ow’obusungu asaanuula oluyombo: Naye alwawo okusunguwala akkakkanya empaka”

Omukadde ow’okulondebwa eri ekkanisa ku kuleete alina okuleeta ensonga ewa Mukama era anyweze embala y’obutasala musango, omukwaata mplola.

“Nga tatamiira”: (paroinos), “si atamiira omwenge”. Kinio kyogera ku kukozesa enguuli mungeri y’okwekyamusamu. Omuntu eyazimbibwa, akuze mu Kristo, alina essanyu n’emirembe buli lunaku oyo teyetaaga kwekyamusamu oba okwerabira ennaku.

Waliwo ensonga nnyingi eziwereddwa mu Baibuli obutanywa mwenge. Esooka, omuntu talina kunywa asobole okutamiira, Bef 5:13. Ebirowoozo by’omuntu birina okuba nga tebikutte era nga biguddwaawo eri okufuga n’okuyigiriza kw’Omwoyo Omutukuvu.

Ekilala, Omuntu talina kunywa mwenge okwesittaza abalala, 1Kol 10:31; Bar. 14:21. Lino lye tteeka ly'okwagala ekisinga eteeka lye ddembe; okubumbibwa n'okwagala okutali kwa buntu n'omugugu olw'ababula (abonoonyi)

> Engero 31:4,5 "Si kwa bakabaka okunywanga omwenge, balemenga okunywa ne beerabira amateeka, ne banyoola omusnago gw'omuntu yenna abonyaabonyezebwa".

Mu butuufu omuntu yenna ali mu kifo ky'obuvunanyizibwa mu bantu oba mu by'omwoyo teyandinyweddenga kitamiiza nga otaddeko abakadde, abadyankoni, n'abakazi abakulu (Tito 2:3).

"Si akuba": (pleikteis), "muwakuzi wantala, okuyomba n'okukayaana.

Kuno tekub kwetangira ntalo. Omuwakuzi w'entalo y'oyo eyenoonyeza entalo n'okukaayana. Naye omukadde asobola okutta obuweereza bwe nga awakudde olutalo.

"Si eyeegomba amagoba mu bukuusa". (aiscrokerdeis), "tayayanira magoba mu ngeri eteri yabwesimbu; talulunkanira bya kufuna".

Kino kitulaga omukkiriza akuze bwabeera n'obuyinza ku mbeera z'obulamu nga tawambagatana na bintu bya nsi eno eri ku "misinde gy'emese". Omukristaayo bwafuga embeera z'obulamu (nataba muddu waazo), asobola okweyagalira mu bintu by'obulamu bwe bwaaba nabyo, naye bwe bimujjibwaako, essanyu lye lisigalawo, kubanga essanyu lye lyesigamiziddwa ku bwesigwa bwa Katonda, so si mubyakufuna, emikwaano oba ebitiibwa.

Obusumba si mulimu. Si kifo kya musaala (wadde ng'ayinza okuba afuna omusaala). Si mulimu gw'abo abanoonya ebitiibwa by'ensi. Si mukutu mw'ofunira tuttumu mugwanga oba mukitundu. Si kifo omuntu wayita okukkusa okuyaayana kwe, oba amaanyi ge.

## Emitwe egy'okuyiga

### Okutya Katonda

Kino kyakuyiga ekyekigambo ky'oluyonaani (eusebela), ekikozesebwa mu ndagaano empya okutegeeza ensonga y'obukulu mu mwoyo, oba okutya Katonda. Mu Tito 1:1, Omutume Pawulo ayogera bwati nti ye mutume wa Yesu Kristo ng'okukkiriza kw'abalonde ba Katonda bwe kuli n'okutegeera amazima agali mu kutya Katonda.

Ekigambo eusebeia kirina ebyafaayo ebinyuma kya sooka kukozesebwa mutontomi omuyonaani, gwebayita Homer, nga mu mwaka gwa 1000BC. Homer yeyatandiikiriza okukozesa ekigambo kino mu bayonaani b'omu Asene (attic Greek) kwewaayo mu kutuukirirza enkolagana z'abantu. Era kyakozesebwa okulaga obwesigwa bw'omuntu mu kutuukriza emirimu gye eri bakatonda ba yayonaani abafugang ekibuga mweyabeeranga. Ekigambo kya bayonaani ab'Asene kyogera ku kwewaayo omuntu kweyalaganga kungulu, nga okuwaayo ebirala eri Katonda, okwenyigira mu ku ssadaaka n'okuisnza, oba okulaga eddiini mu lujjudde (mulwatu).

Ekigambo ensebia bw'ekyatandika okukozesebwa abayonaani abakoyine, amakulu negakyuuka okutegeeza "okwewaayo okw'omunda", oba okw'omwoyo, omulimu okukkiriza gwawa Katonda mu muntu ow'omunda. Ennono eri munnyiriri z'ebbaluwa ya Tito kwe kufugibwa oba okujjizibwa Omwoyo Omutukuvu azaala ebisaanyizo by'okufanaana Kristo.

Bino by'ebyawandiikibwa ebirina ekigambo ensebeia, tekyakyuuka mu ntaputa "Okutya Katonda". Soma ennyiriri zino n'ezizirirаanye nga tonnaba kweyongerayo mu kitundu ekirala.

Bikolwa 3:12

1Tim 2:2, 3:16, 4:7,8; 6:3,.5,6,11

2Tim 3:5.

2Pet 1:3,6,7; 3:11.

**Ennono za EUSEBEIA**

Omusajja w'amazima owa Katonda alina okwewaayo okw'omunda –Embala y'omuntu omukulu mu mwoyo. Lino si ddiba lyoyambala kungulu okusanyusa abantu. Ensulo y'okutya Katonda kye kigambo kyakatonda. Omuntu atya tayize buyizi njigiriza zakanisa mu magezi, naye alabye nga n'ekigambo ekyo kikola mu bulamu bwe mu kumuzimba okumala ekiseera ky'emyaka.

Obulamu bw'Omwoyo kye kisanyizo ekituukiridde, okusinziira ku kutambula kw'omukkiriza ne Mukama, mu naddala engeri gy'akuumyeemu obumu bwe ne Mukama okuyita mu kwatula.

Olwo – otegeera otya nti omuntu oyo wa mwoyo era mukulu mu kukkiriza? Oba, oyinza kwawulya otya wakati w'omuntu atya Kaotnda n'oyo asomye obusomi amagezi era nga asobola okwefuga? Omukkiriza w'omubiri, omukristaayo eyakalokoka, asobola okuba n'empisa ennungu, asobola okwogera obulungi, asobola okwambala obulungi era nakwaata Baibuli. Asobola okusiruwaza abantu abamu ebiseera ebimu.

Naye omukkiriza atya Katonda omumanyira ku "bibala bye" ebibala eby'Omwoyo Omutukuvu ebintu byatakkiriza, oba omukkiriza ow'omubiri, byatayinza kubala. Okutya Katonda kuzaalibwa mu bulamu bw'omukristaayo ayiga ekigambo era ng'abula okuyita mukuzimbibwa.

Soma Bag 5:19-21, Ebikolwa by'omubiri.

Ebikolwa by'omubiri bya lwaatu ekimala.

Ebyo bye biv mu muntu ow'omunda afugibwa embala y'ekibi, okwaaka n'okwegomba kw'emmeeme. Era omubristaayo gyakoma okukula mu Kristo, afuna obuwanguzi mu bifo eby'obunafu. Obulamu bw'Omukristaayo bumanyiddwa olw'ebintu ebibi bye yeyambula, ekibi ekyegatta nay era n'okwambala omuntu omuggya.

Bag 5:22-26.

Bef. 4:17-26.

Omuntu omugya tabeera bubeezi mu mwoyo (atalabika), naye era atambulira mu mwoyo (alabika). Ogumuku mulamwa omukulu mu bbaluwa ya Tito kwe kutambula kw'omukristaayo kw'oleka ensi nti obulamu obw'omunda abantu kwebalabako, kulaga ensi obulamu obw'omunda kyebuli nti kyamazma. Eby'okulabirako biweereddwa mu Tito 2.

- Mu Tito 2:4,5 abakazi abato bakuyigiriza okutambulira mu bulamu obw'okutya Katonda "ekigambo kya Katonda kiremenga okuvumibwa" Tuvunanyizbwa…"

- Mu 2:7,8 Tito ye yennyin agambibwa okweraganga “ng’ekyokulabirako eky’ebikolwa ebirungi” era n’okuba “n’ebigambo ebyobulamu ebitanenyezeka” oyo awakanya alyoke aswale, olw’obutaba na kibi kyatwogerako.
- Era mu 2:9,10, abaddu bakwekuumira mu bulamu obw’okutya Katonda mu ngeri gyebakonaganamu nebakama baabwe balyoke “bayonjenga okuyigiriza kw’omulokozi waffe Katonda mu byonna”. Tulina okubeera “ebitimbwa eri enjigiriza ya Katonda.

Ebbaluwa ya Tito yonna kiwandiiko ekyalungamizibwa okuwa eby’okulabirako bingi (mu ssuula 1 ne 2) engeri y’okutya Katonda (ensebeia) gyekulina okukwatibwamu nga embala erabika eyabakkiriza abamadaala gonna: omulabirizi n’abakadde, abasajja abakulu, abakazi abakulu, abakazi abato, abavubuka, ne Tito yennyini.

Okutya Katonda ndowooza ya bulamu obw’omunda n’okulabika kwaakwo ebweeru kibala kya Mwoyo Mutukuvu.

Eky’okulabirako, mu kibala ky’omwoyo eky’okwagala tulaba okufaayo okwamazima n’okusiima abantu, okwagala okutali kwabantu eri abantu ab’enjawulo, n’ebwebaba abalabe. Okwagala kuno kuvaamu philozenos TITO 1:8 [Tunuulira ebiwandiikiddwa ku mbala z’okwagala okutali kwa buntu]. Okwagala bwe butaba na kibi eky’endowooza y’obwongo n’ebibi by’olulimi. Ebintu ebikyaamu (-Ves) ebisosoddwa okuva mu bulamu bw’omukkiriza:

1. Takyawa, takyanyooma, takyakwatira balala buggya.
2. Takyawayiriza oba okusekerera bantu, era n’olwekyo,
3. Alina eddembe okuweereza n’abalala n’ekiba nti takyaziyizibwa nabyesittaza oba obukaawu.

Essanyu kibala kya mwoyo ekisobozesa omukristaayo okuba n’essanyu elitaletebwa bintu byabulamu buno. Alina obutebenkevu mu birowoozo nga atunuuliddwa Yesu n’okwesiga Katonda kitaffe olwa buli kimu. Tagwa mu kiyongebero ebintu bwe bimugendera obubi oba bwaaba awayiriziddwa. Tagwa mu  mbeera ezimwewuubisa omutima. Abantu si bebawaniridde essanyu lye. 1Tim 6:6, “Okutya Katonda wamu n’obutayaayaananga ge magoba amangi…”

Omukkiriza alina emirembe y’oyo omuyitirivu mu kakodyo k’okuwummulira mu kukkiriza. Talina mbeera emusobera, kubanga ebinyigiriza obulamu byonna n’ebizibu byonna yamanyiira okubiteeka mu mikono gya Katonda. Ye muntu ow’eddembe ku muliraano. Ye muntu ow’eddembe ku muliraano. Ye teyeraliikirira bya leero oba bya nkya. Akimanyinga Katonda asobola byonna. Talina ndwadde ya birowoozo. Nebwewabaawo omuntu amunoonya okumukwaata, tatya mbeera wabula okusaba, okusabira n’omulabe eyeekobaanye okumulwanyisa. Obwesige bwe bwonna buli mu Mukama, naddala ku bikwaata ku kufa, amanyi era awummulira kwekyo ekigambo nti “obutabaawo mu mubiri” kitegeeza “kubeera ne Mukama”. N’olwekyo tali omu kwaabo “abali mu busibe olw’okutya okufa obulamu bwaabwe bwonna” (BAEBULANIYA 2:15)

**Essuubi**

Essuubi yendowooza ey’obugumu eggya olw’okuyiga n’okuteeka mu nkola amzima ga Baibuli ku bikwaata ku biseera eby’oluvannyuma.

Mu nkozesa ya Baibuli, “Essuubi” (oluyogaani ELPIS) kigambo ky’ekimu “n’obugumu” okukula mu bugumu kijjira wamu n’okukula mu Kristo. Okumanya okutereddwa mu nkola okw’ennono za Baibuli ku biseera n’obutaggwaawo kutukulembera bugumu obwekitalo mu kigambo kya Katonda.

Omukristaayo alina obugumu mu

Busika obutaggwawo 1Pet 1:4,5

Amaka amapya oluvannyuma lwo Yok. 14:1-3

**[…]**

- the resurrection body, 1 Cor. 15:51-57

See also 1 Th. 4:16-18; Phil. 3:21; and 1 John 3:1,2.

The hope of Israel is in their coming Messiah (the Second Coming of Christ, His kingdom on earth, and the new earth of eternity.

Luke 1:67-79; 2:28-32; Acts 26:6,7; 28:20; Eph. 2:12.

The Abrahamic Covenant (amplified by the Palestinian, Davidic, and New Covenants) promised to Israel the land of Canaan, the eternal seed (the Messiah), and blessing (new birth). Israel's hope lies in these promises of God.

Abraham's hope was directed to the promise of a new city, the New Jerusalem, Heb. 11:9,10.

The hope for the Church is the "blessed hope" of the Rapture. Titus 2:13-15; 1 John 3:2,3; 1 Thess. 4:13-18

Hope is derived from such passages as Rev. 2:14 in which it is stated that there will be no more death, tears, pain, etc.

The hope (confidence) we have in Christ has caused death to lose its sting and the grave to lose its victory. 1 Cor. 15:54-58.

1Kol 15:54-58

Ekigambo obutaba na ssubi tekirina kuba mu kamwa k’omukristaayo.

### Okubuulira

#### Amakulu n’ensibuko y’ebigambo

Ekigambo “okubuulira” kisangibwa mu bifo bingi mu ndagaano empya (KJV), ne kiba nti, kivvunuulwa okuva mu bigambo ebiwerako mu luyonaani. Ekyokulabirako, mu 1Kol 1:17 akanyiriri “buulira enjiri” kava mu kigambo (evangelidzo); ate mu 1:18 tulaba akanyiriri “okubuulira ku musalaba okiraba nga abanunuzi balina eddembe mukukozesa kwaabwe ekigambo “kubuulira”.

Nakogeza bikolwa yoluyonaani (Keiruso) kya kozesebwanga lunye mubiseera ebyedda okutegeeza okulangirira mu lujjudde oba okuyigiria mu lujjudde era waliwo ennyiriri nnyingi mu Ndagaano Empya wekisangibwa. Olukalala olujjudde lusangibwa kkungaano ly’ebigambo by’oluyonaani (concordance).

Nakogeza linnya (Keirux) kyogera ku “mulamuzi; omukubi w’ebitabo (omuwandiisi); omubaka” alangirira.

1Tim 2:7, nze (Pawulo) kwe nnateekerwa Omubuulizi (Keirux), era Omutume, (njogera mazima, ssirimba), omuyigiriza w’amawanga olw’okukkiriza n’amazima”. Bwe kityo mu 2Timoseewo 1:11).

Mu 2Pet.2;5, Nuuwa ayitibwa “omubuulizi(Keirux) w’obutukirivu”.

Ekigambo Keirux kya kozesebwa nga mu ngeri nnyingi mu biseera ebyedda .Keirux yali “mukibi wa bitabo” oba “omulanzi”, mu ngeri nti yeyawerezanga amawulire agenjawulo eri abantu b’omu bibuga omuntu yayitibwa Keirux.

Omuntueyaweebwanga okutwaala obubaka wakati wabalabe mu ddwaniro yayitibwanga Keirux.

Obubaka bwa Keirux buyitibwa(Keirugma). Keirugma kye kyaweebwanga Keirux okulangirira. Eyaweerezanga obubaka ayinza okuba nga yali mukulu mu maje mu ddwaniro oba omukulu w’abantu.

Mu Baibuli, Keirux ye mubuulirizi, Keirugma bwe bubaka bwe, era Keiruso kye kikolwa ekyokubuulira.

Ekigambo ky’olungereza”preaching” kyandibadde kituufu singa kikozesebwa nga bwekyategeezanga okusooka eri gy’ekisibuka “okulangirira mi maaso g’abantu”, amkulu gajjibwa mu kigambo ky’oluttiniPraedicere.

Ate, mu mulembe guno enkozesa yaakyo kwe kuwa obubaka obw’eddini obwekika kyonna era mungeri yonna” tekiwa makulu ga Keirugma. Mu Keirugma temuli kusonga lunwe oba okuwuuba emikono.

#### Ebyawandiikibwa ebikozesa Kerugma

Mt.12:41 ne Lukka 11:32

Yona mu Nineeve buyitibwa keirugma.

Omulimu gwa Yona gwaali gwa kulangirira bubaka bwa Katonda obw’obulokozi mu kibuga ekikulu mu Bwasuuli.

1Kol 1:17-22, “kubanga Kristo teyantuma kubatiza, wabula okubuulira enjiri (evangeledzw): si mu magezi ga bigambo, omusalaba gwa Kristo gulemenga okuba ogw’obwereere.

Kubanga ekigambo (logos) eky’omusalaba bwe busirusiru eri abo ababula; naye eri ffe abalokolebwa go maanyi ga Katonda.

Kubanga kyawandiikibwa nti, ndizikiriza amagezi g’abagezigezi, n’obukabakaba bw’abakabakaba ndibuggyawo.

Omugezigezi aluwa? Omuwandiisi aluwa? Omuwakanyi ow’omu nsi muno aluwa? Katonda teyasiruwaza magezi ga nsi?

[Wetegereze: “kuzibanga emimwa” egy’abo abawakanya (Tito 1:9-11), Mukama akozesa ababuulizi okuleeta obubaka obutali bwabulijjo].

Kubanga mu magezi ga Katonda ensi olw’amagezi gaayo bw’etaategeera Katonda, Katonda asiima olw’obusirusiru (morias) obw’okubuulira (keirugma) okwo okulokola abo abakkiriza.

Kubanga Abayudaaya basaba obubonero, n’Abayonaani banoonya amagezi:

Naye ffe butuulira (Keiruso) Kristo eyakomererwa, eri Abayudaaya nkonge, n’eri ab’amawanga busirusiru;

Naye eri abayite Abayudaaya era n’Abayonaani, Kristo maanyi ga Katonda era magezi ga Kalonda.

1Kol 2:1-10

Tito 1:3

#### Ennono za KEIRUGMA

1. Keirugma liri ku babaka. Omuntu ali mubuyinza, alina eky’okwogera, awa obubaka omubaka, keirux, omubuulizi, atuusa obubaka eri omuntu omulala, emirundi egisinga

kikolebwa mu lujjudde. Kiba kisuubirwa okubaawo abetegese okuwulira abaanatwaala obubaka era abasuubira okufuna emigaso mu bubaka.

2. Omubaka talangirira byalaba gye kululwe, endowooza ye eyeby'obufuzi, ennaku ye. Obubaka buba bwa muntu mulala. Okulangirira mu bantu si katuuti ye okwogera enfumo ze, okufunirako abamugira, kwogera ku projekiti ze, oba okwetikula bintu. Keirux tayita bantu wamu bawulire okulangirira okukulu, ate ye nayogera nsonga ennekusifu ezitakwatagana na bubaka bwennyini.
3. Omusomesa wa Baibuli afuna keiragma bwe okuva ewa Katonda yennyini, nga bwabikkuliddwa okuva mu kigambo kya Katonda. Okubuulira okutuufu kukolebwa nga otuusizza obubaka obulambulukufu eri abantu abawuliriza. Okuyigiriza mu bantu kukuumira wala ebyaama by'omukkiriza.

Omuntu awuliriza asobola okukkiriza oba okugaana obubaka mu kyaama.

## Pawulo Omutume

Omutume Pawulo yali omuku batuuze abamanyifu ttwale ly'Abaruumi era awatali kubuuza yayli omu ku bantu abamaanyi mu byafaayo. Mukama yamukozesa mu kubuulira enjiri okukuma omuliro mu kitongole ekyamanyibwanga ekkanisa y'abakristaayo, omubiri gwa Kristo ku nsi, okulaba nti obusiriivu bw'abantu bakwatiddwaako mu ngeri emu oba endala n'obuweereza bwe – Ng'alungamiziddwa Omwoyo Omutukuvu, yawandiika obuwandiiko obwakola ng'omusingi mu bulamu bw'ekikristaayo, ekigambo kya Katonda ekikyuusizza obukadde n'obukadde bw'obulamu bw'abantu.

### Oksoma kwa Pawulo

Pawulo yasomesebwa nnyina okutuusa emyaka etaano. Okuva ku myaka egyo okutuusa ku kumi kitaawe namusomesa ebyawandiikibwa n'obulombolombo bw'Abaebbulaniya. Mu kiseera kye kimu, olw'okuba yali mutuuze wa Rooma era nga abeera wamu na'bayonaani na Rooma, yafuna okusomesebwa kw'maanyi mu lulimi oluyonaani, ebyafaayo byaabwe, n'obuwangwa bwaabwe.

Yasindikibwa e Yerusaalemi ku mayka nga kumi okusoma mu ssomero lya balabboni elya Gamalyeri, eyali mutabani wa Simyooni, mutabani wa Kileeli. Gamalyeri yali Labboni wa kitiibwa nnyo eyaayogerwako mu bitabo byombi ekya Talumaadi n'endagaano empya (Bik 5:4-40; 22:3) gamalyeri yayitibwa Labbibu – omu ku bayigiriza omusanvu bokka nga bwe bayitibwanga. Yali mufalisaayo, naye nga yassukuluma endowooza y'ekibiina kye. Yawandiika essala okuwakanya abakristaayo "abakyamu" yali era yafa muyudaaya.

Mu kiseera kino, Kerod yali amaze okufa, era nga Ruumi ye yalinga yefuga Yuda, era waliwo sente zaki Ruumi, olulimi, n'obuwangwa Abayudaaya, n'okwekyo, balina okukaata butiribiri eddiini yaabwe ng'entabiro y'obumu. [bw'ossoma: Ebyafaayo bya Yuda].

Waaliwo amasomero abiri (2) agaba Labooni, elya Kuleli ne Sikammayi. Kulele, jjaaja wa Gamalyeli, abayigirizanga nti obuwanga bwe businga amateeka. Essomero lya Sikammayi lyanyooma abakkirizanga mu buwangwa, okusingirira ddala okuyigiriza kwaabwe bwe byakonagananga ne bitabo bya Musa.

Essomero ely'eddiini elya (Gamalyeri byebayigiriza byabanga byogera bwogezi era bulijjo endowooza y'obutesiga ekitabo ekilala wabula ebyawandiikibwa. Bakozesanga enkola y'okunnyonnyola (exegesis) w'ebyawandiikibwa, era Yosefaasi mu bitabo bye yalaga okuyayaana okuba owmaanyi mu kunnyonnyola biwandiika byeddiini (exegesis). Essomero bwe lyatandiikanga, abasajja abayivu basisinkananga era newabaawo okunnyonnyola ebyawandiikibwa, bawanga enzivvunuula ez'enjawulo, ne bateekawo eby'okulabirako era n'abajulizanga ebintu eby'ali bibaddewoko. Abayizi bazzibwangamu amaanyi okubuuza, okulaga okubusabusa kwaabwe, n'okukontana.

Pawulo bweyafuuka omukristaayo, obuyivu bwe n'ebubeerera ddala obw'omugaso. Yasobola okutegeera enjigiriza z'ekikristaayo mu bwnagu era babikwanaganya butereevu n'okuyigiriza kw'ebyawandiikibwa

byeyali afunye. Mu kusoma kwe, kw’ombi, ewa Gamalyeri n’emuddungu okuva eri Mukama waffe Yesu Kristo, Pawulo yafuna endowooza ey’obwa Katonda ku byafaayo by’omuntu.

Pawulo yamanya nti okubeerawo kwa Katonda omuntu yenna asobola okukufuna obulungi, nti omuntu asobola okumanya Katonda, naye abantu bangi mubugenderevu entandikwa ennungi bagikyuusa olw’empisa zaabwe embi ezaddirirwa okusinza ebifanaanyi. N’olw’ekyo, Pawulo yalina obukyaayi bungi eri okusinza ebifanaanyi okwabuli ngeri yonna.

Okuyigiriza kwa Pawulo kulaga Katonda yekka yewamazima. Okusinza ebifaananyi kwonoona ekifaananyi omuntu kyalina eri ensi n’obutonde. Okusinza ebifaananyi ye mulabe w’abantu.

Pawulo yamanya etteeka ely’kukula kw’obutonde bw’omuntu. Ng’omuruumi omu Taluso omwebbulaniya, era ow’obuwangwa bw’abayonaani, yali amanyi obwonoonefu obungi obw’obulamu bw’abantu be yali abeeramu. Eggwanga bwe lifaafagana, okukulakulana kuziyizibwa. Ebibi bya bantu okusinziira ku kikula kya Katonda n’engeri za Katonda eri Omuntu z’oziyiza amawanga okwejjako ebibi ebyegatta nago.

Ekitabo ky’ebikolwa by’abatume kye kitabo mwe tusinga okulaba obuweereza bwa Pawulo n’obw’abatume abalala. Okulaba ku lukalala lw’obuweereza bwa Pawulo, tunuulira ENENGEKA Y’OBUWEEREZA BWA PAWULO.

Omulimu ogukoleddwa obulungi mu kwekkenneenya Pawulo kuli mu kitabo ekiyitibwa obulamu n’ebbaluwa z’omutukuvu Pawulo, akawandiikibwa (onybeare ne Howson).

**Pawulo, Omusibe wa bannamawanga**

Mukama yafuula Pawulo omutume eri bannamawanga, era n’okumwolesa mu kiseera eky’okukwaatibwa kwe mu (Palistina) Bufirisuuti, n’emu kuwozesebwa kwe mu maaso ga Bayudaaya n’emubobuyinza bwa Ruumi, nti “Totya guma Omwoyo: kikugwanidde okutegeeza Yesu ne mu Ruumi”.

Bwe yali yakamala ebiri si bingi mu Antiyokiya oluvannyuma lugendo lw’obuminsane olw’okubiri, Pawulo n’avaawyo, nayitira mu nsi y’e Ggalatiya n’e Fulugiya ng’agumya abayigirizwa bonna (Bik 18:23). Mu kiseera kino, yakubirizaamu ekiweebwaayo eri abaavu abaali mu Yerusaalemi.

Yatuuka mu Efeeso, mu mwaka nga gwa 53AD. Eyo yasangayo abayigirizwa ba Apollo kumi n’ababiri abaali bafunye okubatizibwa kwa Yokaana era nga tebawulirangako ku Mwoyo Omutukuvu n’ebyaamu by’omulembe gwe Kania.

Nayigiririza emyezi esatu mu kkungaaniro mu Efeeso. Mu maaso g’abo abamuwakanya, yasomesa ebibiina mu ssomero lya Tulaano, ebyo ne bimala emyaka ebiri. Abaakolanga eby’obufumu ne kyuuka n’ebitabo byaabwe byonna ne babyokera mu maaso gaabwe bonna. Pawulo nakyalira ab’e Kkolinso oluvannyuma nakomawo mu Efeso eyo gyeyawandiikira ebbaluwa y’abakkolinso esooka.

Pawulo nagenda e Tulowa ne Makedoni kubanga waliwo akacwano mu Efeso okuva mu baweesi abakolanga obusabo obw’okusinza Katonda omukazi Dayana (Laba Essomo: Efeso). Nasaabala okugenda e Makedoni okusisinkana Tito, nebatuuka e Nakapoli era nagenda mu Firipi eya “Tito gyeaymudizaamu amaanyi”. Yatuma Tito mu kkolinso ne bbaluwa ey’okubiri ey’Abakkolinso namulagira okukungaanya ekiwebwaayo eri abakristaayo abaavu.

Pawulo nayita mu Makedoni era oluvannyuma ye yennyini natuuka mu kkolinso, namalayo ebbanga lya myezi nga esatu nawandiikirayo ebbaluwa y’Abaruumi. Nasaabala okugenda mu Mireeto gyeyasisinkanira abakadde b’omu Efeso okumala ennaku ntono. Nasaabala okugenda (ne batuuka ku kizinga koosi, Godo ne Patala) a Ttuulo. Okuva e Ttuulo nagoba e Potolemaayi, natuuka e Kayisaliya.

Pawulo nalabulwa obutalinnya Yerusaalemi. Naye ye nagenda era ab’oluganda nebamwaniriza bulungi. Yakobo era n’abakadde nebageera naye. Yateekebwako omusango n’olukiik olukulu olwabakadde nti “ajeemesa Abayudaaya bonna abali mu bannamawanga okuleka Musa, ng’ogamba baleme okukomolanga abaana abato newakubadde okutambuliranga mu mpisa” [ku lw’ebyo ebyayogerwa mu lukiiko laba essomo : ENKOLA Y’EDDIINI Y’EKIYUDAAYA]

Olukiiko ne lusaba Pawulo okubaako ekikolwa ky'amateeka ky'akolera mu lujjudde okukakasa okukkiriza kwe. Waaliwo abasajja bana abeerayirira ekirayiro era Pawulo nasabibwa okubatwala atukuzibwe wamu nabo, n'okusasula ffeeza abasajja bali abana Nakola bwaatyo.

Oluvannyuma lw'ebyo abamu ku Bayudaaya abaava mu Asiya ne basasamaza abantu bonna okumukwata, ne bateekako omusango okuleeta Abayonaani mu yekaalu. Omusajja munnamawanga okuva mu Efeso erinnya lye Tulofiimo yali ne Pawulo, era Abayudaaya nebategeera nti Pawulo amuleese mu yeekaalu ekyaali eky'omuzizo. Ekibuga kyonna ne kyegugumula ne bakwata Pawulo okumutta, naye ekitongole kya Ruumi eky'abaserikale nebalabika Pawulo nayogera eri ekibiina nga yewozaako, nababuulira ku butumwa bwe mu b'amawanga. Ne bayimusa amaloboozi gaabwe nga bagamba nti "Aggibwe mu nsi afaanana bw'atyo, kubanga si kirungi abeere mulamu". (Bikolwa 22:1-2)

Omuselikale Omuruumi natwala Pawulo mu kigo ky'omwami omukulu okumukemereza n'emiggo, mu kiseera ekyo Pawulo nabagamba nti muntu mu Ruumi kumakya natwalibwa eri olukiiko, naye tewaali kumaliriza lukiiko olw'okuwakana wakati w'abafalisaayo n'Abasaddukaayo. Pawulo naddizibwaayo mu kigo okukumibwa era mu kiro ekyo Mukama waffe amulabikira ng'amugamba nti "Guma Omwoyo" (Bikolwa 23:6-10).

Newasituka olukwe mu Bayudaaya amakumi ana okutta Pawulo, naye omwana wa mwannyina wa Pawulo namubuulira ku lukwe. Abaruumi nebasalawo okumutwala e Kayisaliya eri Ferikisi Ow'essaza lya Buyudaaya (Bik 22:21). Mu maaso ga Ferikisi, Pawulo yabuuzibwa bubuuzibwa essaza gye yava. Ennaku bwe zaayitawo ettano, kabona asinga obukulu Ananiya n'abakadde abamu ne'baserengeta, n'omuntu Terutuulo omwogezi waabwe (Bik 24:1-9) ne bamuloopa, emisango, Pawulo gyeayagaana. Ferikisi n'alwisaawo omusango okutuusa Kulawudiyo Lusiya, Omwami omukulu w'amagye g'Abaruumi mu Yerusaleemi okujja okuwa obukakafu.

Naye ennaku ntono bwezayitawo, mukazi wa Ferikisi Dulusira, Omuyudaaya, yayagala okulaba n'okuwulira Pawulo. Pawulo naggya era nabuulira enjiri eri Ferikisi ne Dulusira. Ferikisi natya naye teyanenya. Yasuubira Pawulo okumuwa enguzi (ebintu) kyeyawa tasala musango. (Dulusira yafiira mu kubwatuka kw'olusozi Vesuviyo AD 79).

Ferikisi yakuumira Pawulo mubusibe mu Kayisaliya okumala emyaka ebiri okutuusa Fesuto we yalinnyir aku ntebe. Fesuto yali ayagala Pawulo okuddizibwaayo e Yerusaalemi, naye Pawulo yalaba obuzibu nga buzze nayatula ekigambo ky'olulattini (aesarem apell):… "Ajulira Kayisaali!" Fesuto nawalirizibwa okutwala Pawulo e Ruumi ng'awerekerwako.

Mu kiseera kino, Kabaka Agulipa Ow'okubiri, ne mannyina Berenike, bagya okukyaalira Fesuto, eyali yakalya obwami. Fesuto yali tamanyi mpisa z'Abayudaaya, Pawulo n'alyoka awa obujulizi bwe mu maaso ga Agulipa, mu kitiibwa ekinene. Ekitundu kino kyali kimu kubitundu ebyali biwandiikiddwa enjiri we singira okulwanirirwa. Agulipa yagamba, "Oyagala okunsendasenda onfuule Omukristaayo…"

Festuo nakisalawo nti Pawulo yali talina musango era omuntu ono yandiyinzizza okuteebwa singa teyajulira Kayisaali.

### Olugendo lwa Pawulo mu Ruumi

Abawerekera Pawulo ku lugendo mu Ruumi kyali kibinja kya sserikale ba Ruumi abaali batwalibwa Yuliyo, ow'ekitangole kya Augusito. Basaabalira mu kyombo eky'Adulamutiyo nga kigoba Sidoni Pawulo naweebwa eddembe. Omwaalo ogwali guddako gwali mula, webalabira ekyombo nga kigenda Italiya. Ne bayita ku mabbali ga Kuleete, nebayimirirako mu kifo ekiyitibwa Emyalo Emiurngi okumala omwezi, nabasaabala okugenda e Foyiniiki, n'ebatwalibwa omuyaga ku njazi e Merita eyo gyebabeera emyezi esatu. Bwebaava e Merita ne basaabala okugenda mu kyombo eky'ab'oluganda abalongo ne bagoba mu Sulukus ane Regio, omwalo gw'ekibuga kya Italiya mu ssaza Putiyooli. Okuva eyo nebagenda e Ruumi okuyita mu Apiya.

Mu Ruumi Pawulo nabeera mu nju ayamupangisibwa ng'alabirirwa sserikale eyali amukuuma. Naweebwa olukusa okuteekawo enkungaana, nasisinakana abakadde b'abayudaaya nawangula abamu eri

Kristo. Yamanya emyaka ebiro, mu kiseera kino mweyawandiikira ebbaluwa ya Firemooni, Aabakkolosaayi, Abaefeso, n'abafiripi.

Nero yeyejeereza Pawulo, naaba nga wa ddembe okutambula era n'akola ekyo. Yakyalira kuleete, ne Asiya entono; era kirowoozebwa okuba yakola olugendo lw'obuminsane mu Supeyini. Irowoozeka okuba nga yakwatibwa mu Efeso era natwalibwa e Ruumi naye mukiseera kino yayisibwa nga omukozi w'ebibi, mikwano gye negimwabulira (okugyako Lukka onesiforus). Wabalukawo okuyigganyizibwa mu Ruumi mu kiseera kino, n'okutiisatisa kwa Nero eri Abakristaayo Pawulo nasalirwa omusango era nattibwa mu Ruumi.

"Nnwanye okulwana okulungi, olugendo ndutuusiza, okukkiriza nkukuumye, ekisigaddeyo, enterekeddwa engule ey'obutuukirivu, Mukama waffe gyalimpeera ku lunaku luli".